


# Omuyizi wa S.2 asse owa S.5 lwa muwala

Bya GODFREY KIGOBERO

ABATUUZE b'omu ttawuni y'e Busunju baguddemu ekyekango omuyizi owa S.2 bw'awagadde ekiso n'alumba munne owa S.5 n'amusala obulago nga embuzi okutuuka lw'amusse ng'amulanga okumusigulako omuwala!

Edward Matovu, omuyizi owa S.2 mu St. Francis SS e Busunju ye yasse Rajab Mulindwa Bukenya (19) abadde omuyizi wa S.5 mu Naggulu Seed Secondary School e Namayumba.

Ettemu lyabaddewo ku Lwokutaano lwa wiiki ewedde nga November 28, 2025 mu Kibubula A Cell West Ward mu Busunju Town Council e Mityana nga kigambibwa nti Matovu abadde amaze ennaku nga ssatu ng'awagala ekiso nga bwe yeewerera okutta Mulindwa olw'okumukwata mu liiso.

Kigambibwa nti omuwala ndibassa, Hadijah Nabutanda, naye muyizi mu Naggulu Seed SS yasangiddwa mu muzigo gwa Mulindwa mu kiseera Matovu we yamuttidde era yafunye ebisago wabula ne yeemulula n'agenda ku poliisi e Busunju eri okumpi awo abaserikale ne basitukiramu naye nga Matovu amazeeemu omusulo.

Omwogezi wa poliisi mu kitundu kya Wamala ekitwala Mityana, Lameck Kigozi, yategeezezza nti Nabutanda, yasoose kukyalira Matovu mu kazigo ke nti kyokka bwe yamusiibudde, Matovu kwe kumulinnya akagere n'amulaba nga yeesogga akazigo ka Mulindwa.

Kigozi annyonnyodde nti Matovu olwamaze okutta Mulindwa yadduse kyokka oluvannyuma poliisi yeeyambisizza Nabutanda n'amukubira essimu nga yeefudde amunoonya badduke. Baamulondedde ne bamukwatira e Namayumba gye yabadde yeekukumye.

"Matovu yatwaliddwa ku poliisi e Busunju okukola sitatimenti n'oluvannyuma n'ayongerwayo ku y'e Mityana ng'enteekateeka bwe zikolebwa okumusimba mu kkooti avunaanibwe omusango gw'okutta omuntu," Kigozi bwe yategeezezza ***Bukedde***.

Maama w'omugezi, Sylvia Nankinzi omutuuze w'e Sekanyonyi yannyonyodde ***Bukedde*** nti omwana waabwe baali baamupangisiza omuzigo e Busunju nga w'ava okugenda ku ssomero era kitaawe Buruhani Bukenya yali yamugulira pikipiki gy'akozesa okuva e Busunju okugenda ku ssomero e Namayumba.

Nankinzi yategeezezza nti Mulindwa yaziikiddwa ku Ssande ewedde e Monde mu ggombolola y'e Sekanyonyi e Mityana n'asaba poliisi okutwala Matovu mu kkooti mu bwangu basobole okufuna obwenkanya. Matovu agambibwa okuva wa Kamoga ssentebe wa NRM e Sekanyonyi.